كيف تخطيط لآخرتك؟

WETEEKERATEEKERA OTYA ENKOMERERO YO?

Shaykh Abū-Muhsin al-Muhājir
(Rahimahullah)

As'habul Kahfi Media

كيف تخطيط لآخرتك؟

WETEEKERATEEKERA OTYA ENKOMERERO YO

KYAWANDIIKIBWA

Sh. Khālid Abdul-Rahmān al-Husaynān – Abū Zaid al-Kuwaitī (rh)

2009/1430H

NEKIVVUNULWA

Sh. Abū-Muhsin Al-Muhājir (Rahimahullāh)

2013/1434H

As'habul Kahfi Media

بسم الله الرحمن الرحيم

Ebiri mu Kitabo kino

ENNYANJULA..... 3

TEEKATEEKA ENKOMERERO YO; 4

Okuyitiriza Okusinza Allāh (Azza wa Jall). 4

Gulawo olunaku lwo nakusinza Allāh (Azza wa Jall).....4

Okululunkana okutuulako wansi ng'omaze esswala ya Subuhi okutuusa enjuba lw'evaayo.....5

Okusoma Qur'an Ey'Ekitiibwa 11

Okunoonya Okumanya 12

Ngeri ki gy'oyinza okutegeeramu Allāh (Azza wa Jall)?.....14

Era otegeera otya Allāh (Azza wa Jall) wo?.....14

Okululunkana Okukola Emirimu Emirungi 15

Okwekuumira ku Sunnah eza buli lunaku 15

Okweyawula Okukkirizibwa (mu Shari'ah)..... 15

Okwenyagira buli kaseera okukoleramu Ibadah 16

Buli Nnimiro Ebaamu Ebimuli..... 17

Olulunkana okunoonya okumanya (al-ilm) 17

Okukwana n'okuwangala n'Abalongoofu (Okubeera n'Abakkiriza) 18

Okukendeeza Kukutawanira n'okukolelera Ensi (Az-Zuhd) 20

Okusaba Allāh (Azza wa Jall) (Duwa)..... 21

Okusoma ku bulamu bw'Abalongoofu Abatusooka (As-Salaf As-Swālih)..... 21

Okufumitiriza n'okulowoza ennyo ku mbeera y'Olunaku Lw'enkomerero. 22

ENNYANJULA

Amatendo gonna amajjuvu ga Allāh (Azza wa Jall) Omulezi w'ebitonde byonna, ebyengera n'emirembe bibeere ku Nabbi waffe Muhammad ne ku bantu b'enju ye, ne kuba swahaaba be.

Oluvanyuma lwebyo;

Ekikulu mukubeerawo kwaffe mu bulamu kwekukwatagana kw'ebitonde n'Oyo Eyabitonda, nebibeera nga bimuli kumpi, nebiddiringana okumukowoola entakira.

Abamu kubalongoofu abaatukulembera muddiini baagamba nti bamasaakiini (balumkupe) b'okunsi, bava mu bulamu bw'ensi nga tebakombye kubirungi ebigirimu, baabuzibwa nti "By'ebiriwa ebirungi ebigirimu?" Baagamba nti: "Okujjukira Allāh (Azza wa Jall)". Ebbanga omuntu ly'amala nga afuga ensi eno n'ebigiriko nemmaali, nebirimu, n'okuyitiriza eby'obwagazi naye ate nga ali wala (yesambye) Allāh we (Azza wa Jall), omuntu oyo abeera mukuzikirira nakufafaagaanirwa. Nakuwankawanka!!

Muganda wange lowooza kubiseera byo eby'omaaso ebituufu: wali olowoozezza ngeri ki gy'oyinza okukozesaamu eddakiika zo nebiseera byo nga ongondera Allāh wo (Azza wa Jall) n'okuzimba Enkomerero yo?!

Omuddu Allāh (Azza wa Jall) gweyateebesa, era ng'ali mumbeera eyeesiimisa y'oyo akozesa obulamu bwe nga yeteekerateekera enkomerero ye olwonno n'abeera nga ensanafu, zikungaana mubiseera ebyekyeeya nezeteekateeka okufuna gyezinadda mukiseera eky'obutiti. Bw'atyo omuddu omukkiriza bw'alina okufaanana mu nsi. Akunganyizaamu birungi, okugondera Allāh (Azza wa Jall) n'okumusinza asobole okweteekerateekera enkomerero ye. Allāh (Azza wa Jall) agamba nti:

﴿بَلْ تُؤْثِرُونَ الْحَيَاةَ الدُّنْيَا (16) وَالْآخِرَةُ خَيْرٌ وَأَبْقَى﴾

"Abantu basinga kwemalira (kukolerera) bulamu bwansi so ng'ate obw'Enkomerero bwe businga obulungi era bwe bw'okusigalawo."[Al-A'alaa: 16-17]

Okwetegekera Enkomerero

Omu ku baddu yabuuzibwa, nti: "Otawaana kyenkana ki (amakulu nti: ng'otakabanidde nnyo obulamu bwensi)? N'addamu n'agamba nti: "Netegekera kuwummula!" Weetegereze muganda wange ngeri ki omuntu afaana bwatyo gye yakulembeza okuwummula kw'okunsi okusinga okw'Enkomerero.

Sufyān At-Thawrī (rh) yagamba nti yabuuzibwa omumanyi ayitibwa Rabu-e ibn Khathiimu mukiseera weyalabibwa nga ayitiriza nnyo okusinza Allāh (Azza wa Jall),, nti: "Singa owummudemu?" Nagamba nti: "Okuwummula nange kwensinga okwagaala!!" Weetegereze owange Omusiraamu ngeri ki omuddu oyo bweyakulembeza okuwummula kw'Enkomerero ku kuwummula kw'okunsi!

Muganda wange omwagalwa tutakabana netutambula engendo ezenjawulo mu ngeri y'okunoonya ebyobugagga nga twetegekera obulamu bw'ensi obw'okuggwaawo. Abaffe! Twali tulafubanyeeko nga twetegekera obulamu bwaffe obw'omumaaso bwenyini - okwesiima okw'olubeerera era obulamu obutaliko nkomerero?! Abaffe! Tulina obukugu n'obumanyirivu mukukunganya ebirungi mukusinza Allāh (Azza wa Jall)?!

TEEKATEEKA ENKOMERERO YO;

Twetegekera ensi; ngeri ki gyetunaazimbamu amayumba gaffe, butya bwetunoonyaamu abakyala n'abaami abalungi (ab'okuwasa/okufumbirwa), n'okukuumamu emmaali zaffe n'ebirala ebitali ebyo mu bintu by'ensi. N'osanga omuntu ng'ayokya obwongo bwe olw'ebintu by'ensi butya bw'anaagyekwatako na ngeri ki gy'anaabikuumamu, n'okubyetoloola. Naye n'atalowoza ku nkomerero ye ngeri ki gy'anabeeramu mubifo eby'ebbeeyi mu madaala agawaggulu na butya Allāh (Azza wa Jall) bw'anaamusiimamu!

Okuyitiriza Okusinza Allāh (Azza wa Jall).

Omusiraamu bw'ayitiriza okusinza Allāh (Azza wa Jall), Allāh amuwa (amufuula) amaanyi, okunywera, okumalilira, okutebenkeera kw'omutima, okuwummula n'amukakkanya nga amugyemu okubaguutana, okupapa n'okuwankawankira ensi!!

Gulawo olunaku lwo nakusinza Allāh (Azza wa Jall)

Ky'osookerako nga waakazuukuka okuva mutulo kwekusoma edduwa y'omuntu eyakazuukuka;

الْحَمْدُ ِللهِ الذِي أَحيَانَا بَعْدَ مَاأَمَاتَنَا وَإِلَيْهِ النشُورُ

Amakulu: "Amatendo amajjuvu gonna ga Allāh oyo atuddiza obulamu oluvannyuma lw'okututta era Gy'ali y'eri obuddiro." (Bukhari ne Muslim).

Oluvannyuma ofune wudhu, osaale Subuhi mubudde bwayo mu jjama mu muzikiti bweguba nga gukuli kumpi. Era nga eriyo Hadith za Nabbi (SAW) ez'enjawulo ezilaga obulungi obuli mu nkola eyo. Abū Mūsā Al-Ash'ari (ra) yagamba, nti: Omubaka wa Allāh (ﷺ) yagamba, nti: "Omuntu asaala Subuhi ne Aswiri wakuyingira Ejjana." (Bukhari /Muslim). Hadith eyo etulaga obukulu bw'esswala ezo kubanga abantu bangi esswala y'okumakya ebayitako nga beebase, ate ey'olweggulo neebayitako nga bali mu byabusuubuzi, emizannyo n'embekuulo.

Hadith endala eva ku Uthman ibn Afaan (ra) eyagamba nti: "Nawulira Omubaka wa Allāh (ﷺ) nga agamba nti; "Omuntu asaala Eshaa mu jjama abanga asadde ekitundu ky'ekiro, ate asaala Subuhi mu jjama abanga asadde ekiro kyonna." (Muslim). Mu ndala, Nabbi (ﷺ) yagamba nti: "Omuntu asaala Subuhi abeera ali mu bukuumi bwa Allāh (Azza wa Jall)….." (Muslim).

Okululunkana okutuulako wansi ng'omaze esswala ya Subuhi okutuusa enjuba lw'evaayo

Sunnna (enkola) eyo abantu abasinga obungi baagisenguka dda. Omubaka (ﷺ) yalinga atuulako wansi ng'amaze okusaala esswala ya Subuhi okutuuka enjuba lw'evaayo nga atendereza Allāh (Azza wa Jall). Ekyonno kirimu obulungi bunene. Nabbi (ﷺ) yagamba nti: "Omuntu asaala esswala ya Fajri mu jjama oluvanyuma n'asigala ng'atudde ng'ajjukira (atendereza) Allāh (Azza wa Jall) okutuusa enjuba lw'evaayo, oluvannyuma n'asaala eraaka bbiri, afuna empeera ezenkana ng'omuntu akoze Hijja ne Umrah enzijuvu. (Tirmidhi).

Muganda wange wenyagire empeera n'ebirungi enkuyanja obeere mwabo. Era ezimu ku adhkaari ez'enjawulo ezisomebwa mukiseera ekyo mwemuli zino:-

1) لَاحَوْلَ وَلَاقُوةَ اِلا بِاللهِ x100

Amakulu: "Teri ayina buyinza era teri ayina maanyi okugyako byonna bya Allāh."

NB: Singa obisoma buli lunaku emirundi 100 mumwezi obeera obisomye emirundi 3000. Era nga oba ofunye amawanika ag'omujjana. Hadith eva ku Abū Mūsā (ra) yangamba Omubaka wa Allāh (SAW) nti: "Abaffe nkulagilireyo eggwanika mu mawanika g'omu Jjana?" Ne muddamu nti; "Yye, Omubaka wa Allāh (SAW)", n'angamba nti:

2) لَاحَوْلَ وَلَاقُوةَ اِلا بِاللهِ x100

NB: Kiki ekinaakumanyisa amawanika g'omu Jjana ago agatalabwangako n'amaaso gaffe yadde okuwulilwaako n'amatu gaffe?! Ng'ateera omuntu aba azisomye (azogedde) awebwa amaanyi n'obumalirivu, era neyesambisibwa obugayavu n'okulemelerwa.

3) سُبْحَانَ اللهِ وَالْحَمْدُ للهِ وَلَاإِلهَ اِلااللهُ وَاللهُ أَكْبَرُ x100

Amakulu: "Okutendereza kwonna kwa Allāh, Amatendo amajjuvu gonna ga Allāh, teri asinzibwa mubutuufu okujjako Allāh, Allāh y'asinga buli kimu obunene."

NB: Dhikr eyo erimu ebirungi bingi n'ebibala eby'ekitiibwa, gamba nga; by'ebigambo ebisinga okwagalwa ewa Allāh (Azza wa Jall), abyogedde afuna empeera nga ey'oyo asaddaase bugilaasi bw'omu Jjana, bizitoya minzaani y'ebirungi, ye adhkaari esinga, by'ebigambo ebisinga ensi n'ebigiriko! Abdallāh ibn Mas'ud (ra) yagamba nti; "Yagamba Omubaka wa Allāh (ﷺ) nti: "Nnasisinkana Nabbi Ibrahim (ﷺ) mu kiro kya Isra n'angamba nti: "Owange gwe Muhammad! Bw'oba ozzeeyo kunsi mpeera abantu b'ekibiina kyo ssalaamu, era obategeeze nti Ejjana nnungi, era yawundibwa wundibwa oluwunda, era erimu amazzi, naye obugilasi bw'okunyweesa amazzi bwe; (Ebigambo) – **"Subhaanallāh wal-Hamdulillah, wa laa ilaaha illallah wallaahu Akbar."** (Tirmidhi).

4) سُبْحَانَ اللهِ وَبِحَمْدِهِ سُبْحَانَ اللهِ ٱلْعَظِيْمِ x100

Amakulu: "Okutenderezebwa kwonna kwa Allāh n'Amatendo ge maawufu, okutendereza kwa Allāh Ow'ekitibwa." (Bukhari ne Muslim)

Jaabir (ra) yagamba nti, Nabbi (ﷺ) yagamba nti: "Omuntu ayogera nti **'Subhaanallahi wabihamdihi wa subhaanallahi'l adhwiim."** Allāh (Azza wa Jall) amusimbira omuti mu Jjana. (Tirmidhi). Abū-Hurairah (ra) yagamba, Omubaka wa Allāh (SAW) (ﷺ) nti; "Ebigambo bibiri biwewufu kululimi, bizitowa ku minzaani, byagalwa nnyo eri Allāh; **"Subhaanallahi wabihamdihi wa subhaanallahi'l adhwiim."** (Bukhari / Muslim). Bw'oba nga oyagala okwagalwa eri Allāh (Azza wa Jall) Omusasizi neminzaani yo okuzitowa nebirungi, yitiriza nnyo ebigambo ebyo.

5) اَللهُم ِاغْفِرْ لِلْمُؤْمِنِيْنَ وَالْمُؤْمِنَاتِ x100

Amakulu: "Ayi Allāh sonyiwa abakkiriza abasajja n'abakkiriza abakyala". Era dhikr eyo erimu ebirungi bingi eby'ekitiibwa.

Nabbi (ﷺ) yagamba nti: "Omuntu asaba Allāh (Azza wa Jall) asonyiwe abakiriza abasajja n'abakyala, buli mukkiriza omusajja n'omukyala amufunamu empeera." (At-Twabaraani), nga empeera etandikira ku kumi. Kuba ekifaananyi, birungi bimeka by'ofuna mukiseera mw'osabira abakkiriza abasajja n'abakyala okuva mubaana ba Adam (AS) okutuusa kumulembe gwaffe guno? Allāh (Azza wa Jall) yasinga okumanya, ng'alina ebirungi bingi omukkiriza bye yeefunira mukaseera ek'eddakiika obudakiika!! Era Shaykh-ul Islam Ibn Tayimiyyah (rh) yalinga ayitiriza nnyo edduwa eyo era ngaagilulunkanira nnyo nga bweyanyumya omuyizi we Ibn-ul Qayyim Al-Jawzi (rh). Muganda wange lulunkanira nnyo okusoma edduwa eyo waggulu k'obe nga oli mukuvunnama oba nga oli mu sswala.

6) سُبْحَانَ اللهِ وَبِحَمْدِهِ أَسْتَغْفِرُ اللهَ وَأَتُوْبُ إِلَيْهِ x100

Amakulu: "Okutenderezebwa kwa Allāh, n'Amatendo Ge maawufu, neenenyeza Allāh era nemwegayirira ansonyiwe".

Okusinziira ku Hadith eri mukitabo kya Imaam Muslim, Nabbi (ﷺ) yalinga ayitiriza nnyo ebigambo ebyo mukyalawe Aisha anyumya n'agamba nti namubuuza, nti: "Owange Omubaka wa Allāh (SAW)! Nkulabye nga oyitiriza ebigambo ebyo?" Nabbi (ﷺ) n'amuddamu nti: "Allāh wange (Azza wa Jall) yantegezaako nti maziima nze njakulaba akabonero mukiibina kyange bwennaaba nkalabye mpitirize nnyo ebigambo; **"Subuhaana-llahi wabi-hamdihi Astagafirullah wa-atuubu illaihi"** - "Nabbi (ﷺ) nagamba Aisha, nti: "Akabonero nnakalabye." Oluvannyuma n'asoma essula eno;

بسمِ اللَّهِ ٱلرَّحْمـٰنِ ٱلرَّحِيمِ

إِذَا جَآءَ نَصْرُ ٱللَّهِ وَٱلْفَتْحُ * وَرَأَيْتَ ٱلنَّاسَ يَدْخُلُونَ فِى دِينِ ٱللَّهِ أَفْوَاجاً *

فَسَبِّحْ بِحَمْدِ رَبِّكَ وَٱسْتَغْفِرْهُ إِنَّهُ كَانَ تَوَّابَا*

"Bwekuliba kuzze okutaasa kwa Allāh (Azza wa Jall), nokuggulawo kwe (makka) era ojjakulaba abantu nga bayingira muddiini ya Allāh (Azza wa Jall) bibinja ne bibinja. Kale nno tendereza Allāh (Azza wa Jall) wo namatendo amajjuvu, era omwegayirire mazima yye musonyiyi." (An-Nasru: 1-3)

Era adhkaari eyo elimu ebintu 3:- **Tasbiihi**, **Tahmiidi** ne **Istigifaaru**.

7) اَللهُم صَلي وَسَلمْ عَلَيْهِ

Amakulu: "Ayi Allāh (Azza wa Jall) ssa ebyengera n'emirembe kkuye" (Ku Mubaka Muhammad (S.A.W) nga Allāh (Azza wa Jall) bwe yalagira abakkiriza;

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا صَلُّوا عَلَيْهِ وَسَلِّمُوا تَسْلِيمًا

"Abange mwe abakkiriza mumusaalire era mumulamuse olulamusa" (Surat al-Ahzaab: 56)

NB: Singa osaalira Omubaka okugeza emirundi 100, ye Allāh (Azza wa Jall) akussaako ensasira 1000. Hadith eri mukitabo kya Imaam Muslim nga eva ku Abdallāh ibn Amru (ra), nti mazima ye yawulira Omubaka wa Allāh (SAW) nga agamba, nti: "Omuntu ansaalira olusaalira lumu, Allāh (Azza wa Jall) amussaako ensaasira 100!"

8) لَاإِلَهَ إِلا اللهُ وَحْدَهُ لَاشَرِيْكَ لَهُ لَهُ الْمُلْكُ وَلَهُ الْحَمْدُ وَهُوَ عَلَي كُل شَيْءٍ قَدِيْرٌ x100

Amakulu: "Teriyo asinzibwa mubutuufu bw'okusinzibwa okujjako Allāh (Azza wa Jall), ali Omu era talina kyeyegatta nakyo, Obufuzi n'Amatendo amajjuvu byonna bibye, era Ye Musobozi kubuli kintu kyonna"

Nabbi (ﷺ) yagamba nti; "Omuntu ayogera ebigambo ebyo olunaku emirundi 100, aba yenkana nga atadde abaddu 10 (okubajja mubuwambe) n'awandiikibwako ebirungi 100, n'asangulwako ebibi 100, era aba yetangidde shaitwan mu lunaku olwo paka webuziba, era tewali n'omu ayinza kukola mulimu gusinga yye okujjako omuntu abeera abisomye emirundi egisukka mu 100." (Bukhari ne muslim).

9) سُبْحَانَ اللهِ وَبِحَمْدِهِ عَدَدَ خَلْقِهِ وَرِضَا نَفْسِهِ وَمِدَادَ كَلِمَاتِهِ x100

Amakulu: Okutenderezebwa kwa Allāh (Azza wa Jall), n'amatendo ge amajjuvu maawufu, omuwendo ogwenkana n'ebitonde bye era egimumatiza, era egijjuza Arushi wamu n'ebigambo bye"

Hadith nga eva ku Maama w'abakkiriza Joweria bint Haaritha (ra) yagamba nti: "Lumu Nabbi (ﷺ) yafuluma n'ava mumuzikiti kumakya mukiseera ky'okusaala subuhi, nga ne Joweria ali mumuzikiti oluvanyuma Nabbi n'akomawo okusaala esswala ya dhuhaa nga Joweria akyali mukifo Nabbi mweyamulesse ne kumbeera gyeyamulesseeko, Nabbi n'amubuuza nti: "Okyali kumbeera gyennakulesseeko?", Joweria n'agamba nti: "Yye." Nabbi n'amugamba nti: "Njogedde ebigambo bina (4) emirundi esatu (3) singa bipimwa ku minzaani mu lunaku olulamba bigizitoya." (Muslim). By'ebyo byetulabye waggulu.

Muganda wange weetegereze birungi bimeka byewefunira mukiseera mw'oyogerera adhkaari eyo eyekitibwa emisana n'ekiro?! Amakulu agalimu nti mazima Allāh (Azza wa Jall) akuwa ebirungi (empeera) ebyenkanankana ebintu (byonna) byeyatonda! Abaffe waliwo omuntu yenna asobola

okubala n'amalayo omuwendo gwebyo Allāh (Azza wa Jall) byeyatonda?! (Muzimalaika, amajiini, abantu, ebisolo, ebyennyanja, ebinyonyi, ebiwuka, emiti n'ebirala).

NB: Adhkaari ezo nga bwetuzilabye tezisomwa ku makya oba olw'eggulo wokka nga bwebisangibwa mubimu kubitabo bya adhkaari wabula zibuna buli kiseera nabuli wamu teweziyizaako okuzisoma n'osubwa empeera ennungi.

10) سُبْحَانَ اللهِ وَبِحَمْدِهِ x100

Amakulu: "Okutenderezebwa kwa Allāh (Azza wa Jall) n'Amatendo Ge maawufu." (Muslim).

Nabbi (ﷺ) yagamba nti omuntu ayogera ebigambo ebyo olunaku emirundu (100) asangulwako ebyonoono nebwebiba nga byenkana nga ennyanja. (Bukhari/Muslim)

11) أَسْتَغْفِرُ اللهَ وَأَتُوْبُ إِلَيْهِ x100

Amakulu: "Nneegayirira Allāh (Azza wa Jall) ansonyiwe era ne mwenenyeza."

Hadith nga eva ku Amaar ibn Yaasir yagamba nti Omubaka wa Allāh (ﷺ) "Mazima nze nnenenyeza Allāh ansonyiwe mu lunaku emirundi 100." (Bukhari / Muslim)

12) رَبِ اغْفِرْلِي وَتُبْ عَلَيَ إِنكَ أَنْتَ التوابُ الرحِيْمُ x100

Amakulu: "Allāh (Azza wa Jall) wange nkusaba onsonyiwe, okkirize n'okwenenya kwange, kubanga ddala ggwe musonyiyi akkiriza okwenenya."

Abdallāh Ibn Umar (ra) yagamba nti twalinga tuddigana ebigambo ebyo ku mulembe gwa Nabbi (nga akyali mulamu) mulukungaana olumu emirundi kikumi. (Abū Dawuda, Tirimidhi). Muganda wange wali okoleddeko ku hadith eyo ezeyawulidde oba e'zawamu oba ng'oli ne mukyala wo n'abaana bo mumakaago?

13) سُبْحَانَ الله x100

Amakulu: "Okutenderezebwa kwa Allāh (Yekka)."

Sa'd Ibn Abi Waqqaas (ra) yagamba nti: "Lumu twali ne Nabbi (ﷺ) n'agamba, nti: "Omu ku mmwe asobola okulemererwa okwefunira ebirungi 1000 mu lunaku?" Omu kubaaliwo kyava amubuuza nti: "Butya omuntu bwayinza okufuna ebirungi lukumi?" Nabbi (SAW) nagamba nti: "Atendereza Allāh (Azza wa Jall) emirundi 100. Nawandikibwako ebirungi 1000. Oba n'asangulwako ebibi 1000." (Muslim).

Weetegereze Ensonga zino Wammanga:

a) Ezimu ku adhkaari ezo nga bwetuzilabye waggulu zirina ebirungi ebimanyikidwa naye tezilina muwendo mukomeke, wabula tuleese emiwendo egyo nga eky'okulabirako sso sikuzikomeka. Wabula okuzikomeka tekirina njigiriza abamanyi abamu bakyawukanako. Oluusi oyinza okubyogera emirundi 100 oba egissukamu oba obutawera n'obeera nga weewala enjawukana z'abamanyi.

b) Era ekikulu butamalako lunaku lwo nga adhkaari ezo zikusubye.

c) Era baalinga abamu kubalongoofu abatusooka nga balina emiwendo gyabwe egeyawulidde mukutendereza Allāh (Azza wa Jall) nga era baagyekuumirako. Okugeza Abū Huraira (ra) yalinga aleeta "Astaghfurullah" olunaku emirundi 12,000 nga esonga ye yali: "Okusinziira ku bungi bwebyonoono byange!" Naye gwe osuubira Abū Huraira (ra) yalinga akola biki nga Allāh (Azza wa Jall) n'Omubaka We (SAW) bamusiima!! Gwe oyimiridde otya?

d) Era eriyo adhkaari endala Omubaka (SAW) zeyasomanga zojja okusanga mubitabo ebyenjawulo nga; "Zaad al-Mujaahid", "Ad'iyaatu an-Nabawiyya", "Hisn-ul Muslim", "Wiqaayatu al-insaan mina Shaitwan wal-Jinni", "Twaridu al-Jinni fi Jismi Insaan", "Aswaarim al-Battaar") n'ebitabo ebilala bingi. Imaam Sunnah Ahmad ibn Hambali (rh) ye olunaku yalinga asaala eraaka 300 nga mutabani we 'Abdallāh bwanyumya. Gwe mutabani wo akunyumyako ki kubikwatagana n'eddini ya Allāh (Azza wa Jall)?

Imaam Ibn Qayyimu Al-Jawuzi (rh) yagamba nti ezimu ku adhkaari ezasinga okutwaala obulamu bwa Shaykh-ul Islam Ibn Tayimiya Allāh (Azza wa Jall) abasasire ye:

14) يَاحَي يَاقَيومُ لَاإِلَهَ إِلاأَنْتَ بِرَحْمَتِكَ أَسْتَغِيْثُ x100

Amakulu: "Owange Gwe Omulamu Eyeyimirizaawo Yekka! Teri atekeddwa kusinzibwa mubutuufu okujjako Gwe kulw'Ekisaakyo".+

Muganda wange owekitibwa azikaari ezo ezenjawulo zenkumenyedde obudde tebukuyitangako wadde ekitundu kye ssaawa nga tozireese.tendeka omutima gwo kuzo saawa 24 oluvanyuma ajja kubukeesa nga nyangu gyoli eka nga kitundu kubulamu bwo obwa buli lunaku. Era ojjakubanga to kyasobola kuzawukanako

Era kiri gyoli okuzisoma ng'otambula oba ng'olina w'oli otulo nekukugwaako okukoowa oba okuzogerera mummotokayo oba mukidduka kyona ng'oyina gy'olaga.

Okusoma Qur'an Ey'Ekitiibwa

Era n'ezimu kunnetekeratekera z'enkomerero yemusilaamu okweyawulira yo ekitundu mubudde bwe obwabuli lunaku ngasomeramu ekitabo kya Allāh (Azza wa Jall) ekkyekitibwa ekyonno kiba kitangala kyalwatu, liba kkubo golokofu, ddagala eliwonnya endwadde z'omutima n'omubiri n'okusasirwa n'obulungamu. Allāh (Azza wa Jall) atutegeza kunsonga eyo mu Surat Yunusu ayat 57-58;-

يَا أَيُّهَا النَّاسُ قَدْ جَاءَتْكُمْ مَوْعِظَةٌ مِنْ رَبِّكُمْ وَشِفَاءٌ لِمَا فِي الصُّدُورِ وَهُدًى وَرَحْمَةٌ لِلْمُؤْمِنِينَ (57) قُلْ بِفَضْلِ اللَّهِ وَبِرَحْمَتِهِ فَبِذَلِكَ فَلْيَفْرَحُوا هُوَ خَيْرٌ مِمَّا يَجْمَعُونَ (58) سورة يونس

Yagamba omumanyi ayitibwa Ibn Kathiir (Allāh (Azza wa Jall) amusasire), bweyali nga avvunula ayat ezo waggulu, nti: "Allāh (Azza wa Jall) ategeeza ebitonde bye ebyo byeyabissaako mu Qur-an eyekitibwa nga agissa kumubaka we owekitiibwa nti: **"Abange mwe abantu mujjiddwa omubuulilize okuva eri omulezi wamwe Allāh (Azza wa Jall) nga mutiisa (kuby'obukaba) byemukola era nga ddagala eriwonya endwadde z'omubifuba omuli ebibuzabuza n'okubuusabusa muddiini yamwe era yakulungamya n'okusaasira okuva eri omulezi wammwe Allāh (Azza wa Jall) Era nga ebyo bifunwaako bakkiriza mu Allāh (Azza wa Jall) ne kitabo kye Quran n'abogezi bamazima, abakakasa ebikirimu. Bagambe nti ebyonno by'ebirungi bya Allāh (Azza wa Jall) by'awa abaddube abamusinza n'okusasira kwe kale no basanyuke era nga byebirungi ebisinga abantu byeba kunganya muno munsi"**

وَنُنَزِّلُ مِنَ الْقُرْآنِ مَا هُوَ شِفَاءٌ وَرَحْمَةٌ لِلْمُؤْمِنِينَ وَلَا يَزِيدُ الظَّالِمِينَ إِلَّا خَسَار

"Era twassa Quran nga ddagala eriwonya endwadde era nga kyakusasira eri abakkiriza muyo, era abalyazamanya teslina kyebayongerako okujjako okufaafaganirwa". (Suurat al-Israa'e: 82)

Aya eyo waggulu etwoleka nga Allāh (Azza wa Jall) bw'afuula Qur-an eddagala eriwonya enddwadde z'omutima n'omubiri, kubakkiriza bokka. Era nga Allāh (Azza wa Jall) abassaako okusasira kwe singa baba bagisomye.

Hadith nga esangibwa mu kitabo kya Imam Tirimizi nga ejjibwa ku swahaaba ayitibwa AbdAllāh (Azza wa Jall) ibn Mas'ud (R.A) yagamba nti Omubaka wa Allāh (SAW) (ﷺ) yagamba, nti; "Omuntu asoma ennukuta emu mu kitabo kya Allāh (Azza wa Jall) (Quran), afuna ekirungi nga n'ekirungi kyenkana empeera kumi (10) sitegez nti (Alifu laamu miimi (ا ل م) wabula Alifu nnukuta, ne laamu nnukuta ne mmiimu nukuta."

Okwetegekera Enkomerero

Hadith endala era elimu kitabo kya Imam Tirimizi nga eva ku AbdAllāh (Azza wa Jall) Ibn Abbaasi (R.A) yagamba Omubaka wa Allāh (SAW) (ﷺ) nti; "Mazima omuntu atalina mu mutima gwe Qur-an abanga ennyumba eyekifulukwa (etasulwamu)." Tunulira ngeri ki Nabbi (ﷺ) gy'atukubiddemu ekifananyi ky'omuntu afananako bwatyo ebbanga ly'amala nga yasenguka Qura-an mukugisoma. Era ekigero omuddu kyayagalamu Allāh (Azza wa Jall) we kigerageranyizibwa kukusomakwe kw'asomera mu Qur-an buli omuntu bw'ayitiriza okwagala Allāh (Azza wa Jall), ayitiriza okusoma ekitabo kye Qur-an.

Hadith endala esangibwa mukitabo kya Imaam Muslim nga eva ku Abū-Amaama, Omubaka (ﷺ) yagamba, nti: "Musome Quran (kubanga) mazima yo Qur-an egenda kuwoleleza abagisomanga kuno kunsi". N'obulungi obulala bungi nnyo n'emigaso egili mukusomesa n'okusoma Qur-an gyetutaleese wano.

Okunoonya Okumanya

Engeri endala nga twetekeratekera enkomerero yaffe yemusilaamu okufunayo obudde obweyawulidde okunoonye zaamu elimu (okumanya ebikwata kuddiini ye) nga ekyo asaanye okkikola buli lunaku oba buli wiki aba buli mwezi asobole okumanya ennamula zobusilaam amanye ebikkirizibwa nebitakirizibwa, era amanye engeri gyayawulamu wakati wa shiriq ne tawuhiidi, okugonda emilimu gyeddini (ebaada ezenjawulo) nempisa zeddiini ennungi, okutuusa lwanategeera amakubo agamuyingiza eJjana, nokusinza Allāh (Azza wa Jall) nga musinzinza kukumanya, nokwewala Allāh (Azza wa Jall) bweyaziyiza ebanga atuuka mubifo byenkomerero ebyebbeeyi

Allāh (Azza wa Jall) agamba nti;

أَمْ مَنْ هُوَ قَانِتٌ آنَاءَ اللَّيْلِ سَاجِدًا وَقَائِمًا يَحْذَرُ الْآخِرَةَ وَيَرْجُو رَحْمَةَ رَبِّهِ قُلْ هَلْ يَسْتَوِي الَّذِينَ يَعْلَمُونَ وَالَّذِينَ لَا يَعْلَمُونَ إِنَّمَا يَتَذَكَّرُ أُولُو الْأَلْبَابِ

Amakulu:"Abaffe oyo abeera omwetowaze obudde obwekiro nga vunnamye era nga yimirira ngatya olunaku lwenkomerero era nga asubira ekisa n'okusasilwa kw'omuleziwe Allāh (Azza wa Jall), bagmbe nti abaffe benkana abamanyi nabo abatamanyi mazima afunamu ekyokwebulilira yoyo ayina obwonga obutegeera (Surat az-Zumara: 9)

Yagamba omumanyi ayitibwa Sa'di ku aya eyo waggulu nti eyo waggulu wakati akola emirimu ngagondera Allāh (Azza wa Jall) natamugondera, era wakati womumaanyi natamanyi nti era ebyo byebintu ebiddilinganwa mubwongo bwaffe n'okumanya okulimu okkakasa (yaqeen) nti teyenkana oyo eyesulirayo ogwanaggamba (Tebinkwatako) kukugondera omulezi we Allāh (Azza

wa Jall) ng'agoberera kwagala kwamutima gwe nga yenkana ngo yo omwetowaze amakulu agondaku lwa Allāh (Azza wa Jall) mukukola omulimu ogwebbeeyi nga ye sswala ng'ate agisaalira mubiseera ebisinga okuba ebirungi era nga byo byebiseera by'ekiro nga abantu bebase) nabanga atendeddwa n'okuyitiriza emirimu, oluvnnyuma n'atendebwa n'okutya obusungu bwa Allāh (Azza wa Jall) n'ebibonerezo by'enkomerero olwebyo byeyakulembeza mubyonoono bye nga n'essuubi lye likwatagaana n'okusubira kwe mu Allāh (Azza wa Jall) we n'atendebwa n'emirimu egy'omunda n'egyokungulu bagambe nti abaffe benkana abamanyi omulezi wabwe Allāh (Azza wa Jall), n'abategeera ddiini ya Allāh (Azza wa Jall), era eddiini ya Allāh (Azza wa Jall) elimu okusasulwa? N'abo abatalina kyebamanyi kyonna". Mubutuufu enjuyi zombi tezenkana ngabwe kitenkana ekiro n'emisana, ekitangala n'ekizikiza, amazzi n'omuliro. Abafunamu eky'okuyiga n'okwebulirira bebannanyini kumanya, nebakulembeza okumanya kubutamanya, n'okugondera Allāh (Azza wa Jall) kukwawukana kubiragiro bye kubanga baba balina obwongo obubayamba okulaba okwawukana kw'oyo atalina mutima era nga talina bwongo butoola mazima ye aba afudde okwagala kw'omutima gwe katonda we!!!

Swahaba wa Nabbi ayitibwa Mu'aawiya (R.A) yagamba nti; "Omubaka wa Allāh (SAW) (SAW) yagamba, nti; "Omuntu Allāh (Azza wa Jall) gwaba ayagalizza ebirungi kuno kunsi, Allāh (Azza wa Jall) amukenkula mu ddiini." (Bukhari / Muslim)

Hadith endala eva ku Abū Dar'daa-e (R.A) yagamba nti nawulira Omubaka wa Allāh (SAW) (ﷺ) ngagamba nti ''Omuntu akwata ekkubo nga anoonyammu okumanya (ilm) Allāh (Azza wa Jall) amwanguyiza ekkubo erimutwala mu Jjanah era mazima malaika zanjuluza ebiwawatiro byazo okubikkiriza omuyizi anooonya okumanya olwokusiima ekyo kyaba akoze era nopmumanya asabilwa ebitonde ebili muggulu nemunsi okutuusiza ddala nekubitonde ebili mumazzi nabyo bimusabira, era nobulungi bwomumanyi ku bantu abasigadde alinga omwezi eri emmunyeenye ezisigadde era mazima abamanyi bebasika baba Nabbi era neba Nabbi tebasikirwako dinaali yadde dir-ham wabula babasikirako yilimu (Kumanya) Nagikwata (agisoma) agisome nabwegendereza (namaanyi)" (Abū-dawuda / Tir-mizi)

Mazima okunoonya okumanya eddiini y'obusilaamu Omusiraamu yeyongera okutya Allāh (Azza wa Jall) n'okwewala ebintu (ebizibu) byenkomerero nabeera nga yebala embala lukumi (1000) kulunaku olwo oluzito era oluzibu. Tayagera kigambo kyonna yadde ekikola kyonna okujjako nga yebala omwoyogwe abaffe Allāh (Azza wa Jall) amusiima oba amunyigira?

Ngeri ki gy'oyinza okutegeeramu Allāh (Azza wa Jall)?

Mazima emboozi n'ebigambo ebirungi byetwogerera muntuula zaffe kwekwogera ku Allāh (Azza wa Jall) kuba Allāh (Azza wa Jall) alina amanya amarungi n'ebitendo ebyawaggulu n'obubonero bwe n'ebyengera bye. Era nnga ezo zezimu kunsonga eziyamba Omusiraamu mukweteratekera obulungi enkomerero ye, era buli Omusiraamu bw'ategeera ennyo omuleziwe Allāh (Azza wa Jall), era omutonziwe era mukama we aba alongoosa okwetegeka kwe n'okwetekateeka kwe okusisinkana Allāh (Azza wa Jall) we obulungi.

Hadith esangibwa mukitabo kya Imaam Bukhari nga eva ku Abū Huraira (R.A); "Mazima Omubaka wa Allāh (SAW) (ﷺ) yagamba nti "Mazima Allāh (Azza wa Jall) alina amannya 99 okujjako limu, omuntu agakwata ayingira EJjana".

NB: Ibn-ul Qayyim yagamba nti okukwata amannya ago kulimu emitendera:-

i. Okukwata enjatula n'omuwendo gwago.
ii. Okukwata amakulu gaago.
iii. Okumusaba nago nga Allāh (Azza wa Jall) (SWT) bwatutegeeza nti…

وَلِلَّهِ الْأَسْمَاءُ الْحُسْنَى فَادْعُوهُ بِهَ

"Allāh (Azza wa Jall) alina amanya amalungi mumusabe nago" (Al-A'araf: 180)

Namwo mulimu emitendera ebiri (2)

a) Okusaba, okumusuuta, n'okumusinza
b) Okumusaba nago ngatulina kye twagala okuva eri Allāh (Azza wa Jall).

Era otegeera otya Allāh (Azza wa Jall) wo?

Era nagamu kumakubo gokumanyamu Allāh (Azza wa Jall) kwe kusoma ebitabo ebinnyonyola amaanya ga Allāh (Azza wa Jall) amalungi, nokusoma Qur-an ngogivvumula amakulu gaayo. Abaffe wali wefuniddeyo akaseera mubudde bwo obwabuli lunaku ngosomeramu erinnyya mumannya ga Allāh (Azza wa Jall) amalungi nga ogekennnenya noggetegereza singa asing omuleziwe

Allāh (Azza wa Jall) oyo eyamutonda nga talina kkyamumanyiiko nakamu mubitendo bye nemumanyage?!

Era ngeri ki omutima gw'omukkiriza gyeguyinza okuibnamu (okubbinkiramu) okwagala Allāh (Azza wa Jall), noggulumiza Allāh (Azza wa Jall) nokumutya, nokumwesigamira, nokukola

kululwe, nokkakasa nokulululunkanira okumusisinkana nga ye talina kyonna kyamanyi kumulezi we Allāh (Azza wa Jall)?!

Okulululunkana Okukola Emirimu Emirungi

Engeri endala gyetwetekeratekeramu enkomerero yaffe kwekusoma ebimu kubitabo ebyagazisa ne byewaza amawulire paka wonafuuka omuzira kumirimu gy'okola n'okugenderera mukugikola ngebitabo ebyogera ku bulungi bwokujjukira Allāh (Azza wa Jall), nebyo Allāh (Azza wa Jall) byeyategekera oyo aba abyogedde kunkomerero. Era omuli ebyogeraku blungi obuli mukkuyimirirako ekiro, obulungi obuli mukusaala sunna olubelyebelye noluvannyuma lwe sswala, obulungi obuli mukusaala esswala ya Dhuha, okusaala sunna za wudhu, okusaala Witiri, okusiiba ennaku eza Sunnah (Nawwafil), okusaddaaka n'okugaba, okutoola ssalaamu n'oggisasaanya, okugondera abakadde, okuyunga oluganda, okumala ebyetaago byabasilaamu, ebivunaanywa by'omulilwano empisa z'obusilaamu ennungi,okulabilila (okwoola) bamulekwa, n'okwagala omuntu kulwa Allāh (Azza wa Jall).

Okwekuumira ku Sunnah eza buli lunaku

Ekkubo eddala nga twetegekera enkomerero yaffe kwekugezaako okulululunkanira buli Sunna mu Sunna za Nabbi (ﷺ) zeyalinga akola emisana n'ekiro: mazima n'okulululunkana okukola Sunna za Nabbi (ﷺ) bujulizi obulungi nti Omusiraamu ayagala Nabbi we owekitiibwa, era agwa mwabo Allāh (Azza wa Jall) bayogerako mu Qu'ran nti: "…mungoberere, Allāh (Azza wa Jall) alyoke abaagale…" (Surat Aal-Imraan: 31)

Okweyawula Okukkirizibwa (mu Shari'ah)

Ye Musilaamu okufunayo akadde mu bulamu bwe nga yegayilira Allāh (Azza wa Jall) we (nga limukafubo ye ne Allāh (Azza wa Jall) we) nga muwanjagira n'okwenenyeza, nomujjukira nemukumugondera Allāh (Azza wa Jall) wamu nokwebalamu wayimiridde mukukola emirimu.

Si kituufu Omusiraamu okumalako olunaku nga yetabise nabantu nokunyumya obunyumya emboozi. Omuntu afanaana bwatyo aba aneyawula ddi olongoose era atkkuze omutima gwe? Muganda wange weterewo enkola eyabuli lunaku mweweyawulira kubantu nokubesamba ekitono ennyo essaawa emu olunaku oba ssaawa emu ekiro. Buli omuntu bwayitiriza okwetaba nabantu ngadda mulwali (kugereesa) omutali migaso gyansi nenkomerero omutima gufa (gugayaala)

Okwenyagira buli kaseera okukoleramu Ibadah

Emirimu n'okugonderamu Allāh (Azza wa Jall) we nokusembera okumpi gyali buli ddakiika mubulamu bw'Omusiraamu eba yamugaso so si yakwonoona nga bwekitegerebwa mubasinga obungi. Allāh (Azza wa Jall) atutegeeza;

وَجِيءَ يَوْمَئِذٍ بِجَهَنَّمَ يَوْمَئِذٍ يَتَذَكَّرُ الْإِنْسَانُ وَأَنَّى لَهُ الذِّكْرَى (23) يَقُولُ يَا لَيْتَنِي قَدَّمْتُ لِحَيَاتِي (24) فَيَوْمَئِذٍ لَا يُعَذِّبُ عَذَابَهُ أَحَدٌ

Amakulu: "Olunaku olwo omuntu agenda kujjukira era asaalilwe akaseera akamuyitako nti singa yakajjukiramu Allāh (Azza wa Jall) we Era agenda ganba nga zinsanze singa nakulembeza mubulamu bwensi okukola emilimu gyandingasizza kunkomerero". (Surat Al-Fajr: 23-24)

Hadith esangibwa mukitabo kya Imaam Tirimizi omubaka (ﷺ) yagamba nti omuddu tegenda kuseetula kigere (kujja) mubbaliro olunaku lw'enkomerero okutuusa ng'a buziddwa kubuwangaazi bwe biki bweyabukoleramu? Nekukumanya kwe (yilimu) biki byeyakola oluvannyuma lw'okuyiga (okusoma)? Nekummaali ye yagijjawa era yagiteeka wa? Nekumubirigwe, yagukozesaaki?!!!

Obudde (ebiseera) bwe bulamu. Omuntu ayonoona ebiseera aba ayonoonye bulamu bwe. Era ajja kubuuzibwa kukwonoona okwo.

Abantu abasinga oibngi bamala ebiseera byabwe mu bintu ebitagasa nebabiwaayo mubintu ebitagenda kubagasa kuno kunsi nekunkomerero. Muganda wange osaanye okkimanya nti buli lunaku olukya lulina emirimu egyalo, nabuli saawa elina ebigikolerwa mu ttewali bwa kwonoona mubulamu bwOmusiraamu.

Muganda wange ommusilamu yanguwa nnyo okwenyagira ebiseera byo bulammu ngongondera Allāh (Azza wa Jall). Wewale obugayavu. Ekyokulabirako kunsonga ewo wetegereze embeera zabayizi abasoma mubiseera by'okukola ebibuuzo obasanga n'okululukanira okukozesa buli kaseera kebaba balina mubintu ebyitagasa, era osanga batono nnyo abeebaka era tebatera kwonoona biseera byabwe mubintu ebye kinyumo (ebyemizannyo). Mumbeera eyo osanga abantu abasing oibngi nga tebafuddeeyo kweteekateeka kwenganga bibuuzo ebisinga obuzito nobukakali ebyenkomerero omuntu nabeera nga takozesezza budde bwe naddakkika ze okukoleramu ebinamugasa kunkomerero.

Buli Nnimiro Ebaamu Ebimuli

Mungeri endala w'okweteratekeramu enkomerero yemusilaamu okuteekateeka emirimu gye (Ibaada ze) n'abeera nga buli mulimu ogulimu okugonde nokusinga Allāh (Azza wa Jall). Era alulunkana okungaanya buli mulimu ogulimu okugonda n'okusinza Allāh (Azza wa Jall) mumiteeko gyazo nemundabika yazo, mubutono bwazo nemuibnene bwazo. Amakullu takolako egimu ate emilala n'agileka wabula omusanga nga alulunkana okukola buli gumu nga:- Okusoma Quran buli lunaku, ayitiriza okujjukira Allāh (Azza wa Jall), ayitiriza okusaalira Nabbi (ﷺ), alulunkana okusaalako ekilo nga bantu bebase, olulunkana okuwana mumakubo ga Allāh (Azza wa Jall) nokunyweera nokwetekteka, olulunkana okusiiba enna 2 bulimwezi, olulunkan okusaala esswala eza sunna ne sswala ya Dhuha.

Olulunkana okunoonya okumanya (al-ilm)

Olulunkana okkowoola abantu okujja eri obusilaamu n'okulagira empisa ennungi n'okuziyiza empisa embi kabe ngayita mukkubo lyakusasanya bitabo n'obutambi (tapes) ezomugaso, ayunga enganda ze n'okulongosa gyebali, agondera bakaddebe nokubasabira, alulunkana okusaaddaaka nokutuusa obulungi eri abantu, alulunkana okugoberera Sunna za Nabbi

Mu Hadith esangibwa mu kitabo kya Imaam Muslim Nabbi (ﷺ) yagamba nti "Tonyomanga akantu akalungi konna kukubeera kusisinkana mugandawo Omusiraamu nekyenyi ekisanyufu.

Hadith endala esangibwa mu Bukhari Nabbi (ﷺ) yagamba nti "Buli mulimu omulungi gubalibwa nga saddaaka"

Hadith endare eri mu Muslim Nabbbi (ﷺ) yagamba nti "Mazima Allāh (Azza wa Jall) asiima okulaba omuddu ngalidde ekyokulya n'atendereza Allāh (Azza wa Jall), oba okunywa ekyokunywa n'atendereza Allāh (Azza wa Jall)".

Hadith endala era esangibwa mu Muslim ngeva ku Abū Hurairah Allāh (Azza wa Jall) asiime kuye lumu Nabbi yabuuza baswhaba nti leero ani mumwe eyabukesezza ng'asiibye? Abūbakar namuddamu nti nze, Nabbi nabuuza nti ani mumwe eyawerekedde Jeneza (mayiti) leero, Abūbakar namudamu nti nze, Nabbi n'abuzi nti ani mumwe eyalisiza kumasikini leero emmere? Abūbakar namudamu nti nze ebyobyonna tebyekunganyiriza kumuntu okujjako nga ayingira eJjana.

Okwetegekera Enkomerero

N'olwekyo muganda wange kirungi edde eri Allāh (Azza wa Jall) nga tuyita mubuli kubo nga Imaam Ibn Qayyimu bwe yagamba nti mazima ekkubo elitutwaala eri Allāh (Azza wa Jall) lili limu likunganiddemu buli Allāh (Azza wa Jall) kyayagala ere nga akisiima. Ngamba nti;

1) Nemubantu mulimu oli nga ye ekkubo erimusingira okutuuka eri Allāh (Azza wa Jall) kubo lyakusoma nakumanya n'okusomesa, era nga lyelimutwalila ebisera ebisinga oibngi era asigala nga ly'akutte okutuusa Allāh (Azza wa Jall) lwamuggulirawo kulwokukola ku lwa Allāh (Azza wa Jall).
2) Mulimu omuntu nga ye omulimu ogumusingira gwa kuleeta azikaari (kujjukira n'okutendereza Allāh (Azza wa Jall)).
3) Eriyo omuntu nga ye omulimu ogumusingila kusaala.
4) Waliyo omuntu nga ye omulimu ogumusingira kuyisa burungi eri abantu nakulongoosa gyebali.
5) Eriyo omuntu nga ye omulimu ogumusingira kusiiba.
6) Eriyo omuntu nga ye omulimu ogumusingila kusoma Qur-an.
7) Waliyo omuntu nga ye omulimu ogumusingira kulagira mpisa nnungi, nakuziyiza mpisa mbi naye Allāh (Azza wa Jall) n'amuggulilawo mw'ekyo.
8) Waliyo Omuntu nga ye omulamu ogumusingila kulwaana nakwesibila mukkubo lya Allāh (Azza wa Jall) (Jihaad) nga lyebbango era omutima gw'eddiin naye Allāh (Azza wa Jall) n'amuggulirawo kuludda olwo.
9) Eriyo omuntu nga ye omulimu ogumusingira gyali kukola Hijja ne Umra.
10) Era waliyo omulala nga ye akunganya emilimu gyonna nga agikola n'abeera nga yasinze abasigadde bonna.

Okukwana n'okuwangala n'Abalongoofu (Okubeera n'Abakkiriza)

Engeri endala yokwetegekeramu enkomerero yaffe mwemuli okunoonya no kukwnana emikwano emilongoofu era mirungi abo abanakkujjukiza ku Allāh (Azza wa Jall) era abalina endaba ezina kusikiriza n'okwagazisa okutuulangako nabo mukwetekeratekela enkomerero.

Mazima okwetaba n'okubeera n'abantu abakola ebyonoono (abagyeemera) Allāh (Azza wa Jall) nabasasanya obwonoonefu munsi, kimu kubikusemba za ewala ne Allāh (Azza wa Jall) wo, nennyumba eyenkomerero bwo n'omubirigwo obeerenga wetekera tekera bulamu bwansi bwokka. Allāh (Azza wa Jall) atutegeza nti:-

﴿وَاصْبِرْ نَفْسَكَ مَعَ الَّذِينَ يَدْعُونَ رَبَّهُمْ بِالْغَدَاةِ وَالْعَشِيِّ يُرِيدُونَ وَجْهَهُ وَلَا تَعْدُ عَيْنَاكَ عَنْهُمْ تُرِيدُ زِينَةَ الْحَيَاةِ الدُّنْيَا وَلَا تُطِعْ مَنْ أَغْفَلْنَا قَلْبَهُ عَنْ ذِكْرِنَا وَاتَّبَعَ هَوَاهُ وَكَانَ أَمْرُهُ فُرُطًا﴾

"Guminkirizisa omwoyo gwo ng'obeera wamu nabo abasinza Allāh (Azza wa Jall) waabwe kumakya n'olweggulo, ng'ekyo bakikola banonyaamu Allāh (Azza wa Jall) kubasiima, naye tositulanga amaaso go nga ogatunuuliza abo abaagala eby'okwewunda by'edduniya, era togondera oyo yenna eyagayazibwa n'omutima gwe, n'agoberera okwagala kw'omutima gwe"[Al-Kahf: 28]

Allāh (Azza wa Jall) (SWT) yalagira Nabbi we (ﷺ) nabalala abamufanana mukubalagira ne mukubagaana abeere ng'agumikirizisa omwoyo gwe wamu n'abakkiriza abo abasinza (abakowoola) Allāh (Azza wa Jall) kumakya n'olweggulo ngekyo banoonyamu Allāh (Azza wa Jall) kubasiima. Allāh (Azza wa Jall) n'abatenda n'okumusinza wamu n'okukola kululwe nga mukyo mulimu okulagirwa okubeera n'abantu abalungi abo wamu n'okulwanyisa omutima mukuguwaliliza okubaagala n'okuwangaala nabo kababe nga baavu, olw'ensonga nti mazima okukwana abantu abo abakkiriza ng'ate baavu mulimu emigaso egitabalika. N'okumugaana okutunnuliza emaaso ge kw'abo abaagala eby'okwewunda by'ensi (abatali kuddiini). Olw'ensonga okubegomba nokubatunuulira kikukutuzaako emigaso nebirungi byeddiini yobusilaamu. Era kiviirako omutima gwomukkiriza okwekwata ku dduniya (ensi) ebilowoozo byo nebiggwera ku dduniya.

Omutiima neguggwamu okwegomba n'okuwankawankanirai enkomerero olwensanga ebyokwewunda by'ensi biloga obwongo, omutima n'egugayaala (neguva) kukujjukiira Allāh (Azza wa Jall), negwaniriza ebyokwewunda nebyobwagazi obudde bwe nabwonoona n'afafaganilwa olufafaganilwa n'okwejjusa.

Allāh (Azza wa Jall) n'amugaana obutagondera abagayavu (abatajjukira) Allāh (Azza wa Jall), nebagoberera okwagala kw'emitima. N'abeera nga emigaso gyeddini agifudde gyaduniya. Omuntu afanana bwatyo Allāh (Azza wa Jall) yatugaana okumugondera, olwensonga okumugondera kukukowoola nakumufanana mbeera ze!!!!

Hadith esangibwa mu Abū-Dauda omubaka (ﷺ) yagamba nti: "Omuntu abeera kunkola (ddiini) yamukwano gwe, omu kummwe afengayo okwetegereza ani gwafuula mukwano gwe."

Amakulu omuntu atunulira nnyo neriso eryokwetegereza ddala omuntu gwayagala omuntu gwayagala omuntu gwayagala omuntu gwayagala omuntu gwayagala okufuula

mukwanogwe oyo gwaba asiimye eddini ye n'empisa ze amufuule mukwanogwe oba si ebyo tegezaako. Mazima ensonga esingira ddala era evirako okukyuka kwembeera z'omuntu n'empisaze n'obulamu bwe n'eddini ye, kukyuuka kwamikwano gye.

Okukendeeza Kukutawanira n'okukolelera Ensi (Az-Zuhd)

Engeri endala nga wetekeratekera enkomerero yo kwekukendeeza okwekwata nokutakabanira wamu nokulowooza ennyo ensi n'obulamu bwaayo ebeeera nga sigy'osinga okuwankawankanira era nga okumanya kwo nokutegeera kwo nebitaba bya nsi. Allāh (Azza wa Jall) atutegeeza kubantu bwebatyo nti:

يَعْلَمُونَ ظَاهِرًا مِنَ الْحَيَاةِ الدُّنْيَا وَهُمْ عَنِ الْآخِرَةِ هُمْ غَافِلُونَ (7) سورة الروم

"Abantu abasing obungi tebalina kyebamanyi okujjako okumanya ebyensi byokka. Naye ate bo bagayaavu tebbefirayo kwebyo ebinabagasa mubulamu obw'enkomerero". (Surat Ruum: 7).

Swahaba wa Nabbi ayitibwa AbdAllāh (Azza wa Jall) Ibn Abaas ye yategeramu nti abakafiiri bamanya (bategeera) buwangaazi bwansi (edduniya) bwokka naye bbo ensonga z'enkomerero tebazimanyi. Allāh (Azza wa Jall) atutegeeza nti.

لَا تَمُدَّنَّ عَيْنَيْكَ إِلَى مَا مَتَّعْنَا بِهِ أَزْوَاجًا مِنْهُمْ وَلَا تَحْزَنْ عَلَيْهِمْ وَاخْفِضْ جَنَاحَكَ لِلْمُؤْمِنِينَ (88) سورة الحجر

"Totunuliza bantu maaso go newegomba ebyenjawulo ebyo Allāh (Azza wa Jall) byaba awadde abakaafiri muby'okwewunda byensi era tonakuwala kwebyo by'olaba balina, beera mwetowaze (mukakakmu) eri abakkiriza Allāh (Azza wa Jall) nomubaka". (Surat Hijiri 88)

بَلْ تُؤْثِرُونَ الْحَيَاةَ الدُّنْيَا (16) وَالْآخِرَةُ خَيْرٌ وَأَبْقَى (17) سورة الأعلى

"Abantu abasinga oibngi basinga kwemalira kubulamu bwansi bwokka, naye ate obw'enkomerero bwebusinga obulungi era bwebw'okusigalawo" (Sulat Al-A'alaa: 16-17)

Aya zonna ezo waggulu zitunnyonnyola engeri edduniya (ensi) bwefananmu era nga bwetalina kyezitowa mumaaso go Allāh (Azza wa Jall) era ebyokwewunda byayo byakaseera buseera. Nabbi (ﷺ) kyeyavaagamba AbdAllāh (Azza wa Jall) ibn Umar ng'amukutte kukibegabega kye nti; "Beera kunsi ng'olinga omugenyi oba omuntu asala ekkubo." Ate ye Ibn Umar yalinga agamba nti; "Bwoba obuwungezza, tolinda nti onabukeesa, ate bwoba obukesezza, tolinda nti onabuwungeeza era weyambise akaseera kobulamubwo ngawetekera akasera ngolwadde. Era okozese akaseera k'obulamubwo ngawetegekera akaseera ng'ofudde. (Bukhari)

Mukutwaliza awamu nti buli omuntu bwakendeza okutakabanira ensi eno yeyongera okuyitiriza okugondera Allāh (Azza wa Jall).

Okusaba Allāh (Azza wa Jall) (Duwa)

Okusaba nayo ngeri yakwetekeratekera nkomerero yaffe Omusiraamu asaanye yekkanye era yewombeko adde eri Allāh (Azza wa Jall) we amusabe era amusabe amuteebese era amulungamye, amuwe obwangu mukukola emilimu egimusembeza gyali kuno kunsi nekunkomereror. Allāh (Azza wa Jall) agamba nti;

وَإِذَا سَأَلَكَ عِبَادِي عَنِّي فَإِنِّي قَرِيبٌ أُجِيبُ دَعْوَةَ الدَّاعِ إِذَا دَعَانِ فَلْيَسْتَجِيبُوا لِي وَلْيُؤْمِنُوا بِي لَعَلَّهُمْ يَرْشُدُونَ

Amakulu"Abaddu bange bwebaba bakubuuzizza ebinfaako, mazima nze ndi kumpi ngamukula okusaba kwomusabiyenna bwaba ngansabye kale nabo banukule omulaga gwange era banzikirize babe nga balungama. (Surat al-Baqarah: 186)

Yagamba omumanyi ayitibwa As-Sa'd nti okusembera eri Allāh (Azza wa Jall) kwa mirundi ebiri;
1) Okusembera gyali ngatumanya ebyo byonna byeyatonda.
2) Nokusembera gyali mukumusinza nokumusaba atuyambeko, era atuteebese.

Era omuntu yenna asaba ngomutima gwe guli kwekyo kyasaba nensaba ekkirizibwa muddiini okusabakwe kukkirizibwa era Allāh (Azza wa Jall) ebbanga lyamala nga talya Haraamu n'okuwamba Haraam. Era singa assaawo ensonga ezitusisa (ezanukuza) edduwa nga okudda gyali ngatuteeka munkola ebilagiro bye nga kwotadde n'okumukkiriza wamu n'okumukakasa.

Hadith esangibwa mu Abū-Dawuda omubaka (ﷺ) yagamba nti "mazima Allāh (Azza wa Jall) akwatibwa omuddu we ensonyi bwaba nga awanise emikono gye okugizza wansi ngatamuwadde k'yamusabye.

Okusoma ku bulamu bw'Abalongoofu Abatusooka (As-Salaf As-Swālih)

Engeri endala y'okwetegekeramu enkomerero yemusilamu okubinkira mukusoma ebyafaayo kubulamu bw'abalongoofu abatusooka muddiini okuviira ddala ku baswahaaba ne ba Tabihiina neba TaabihiTaabihiina. Okumanya ngeriki gyebalinga betekerezaamu obulamu bwensi eno n'engeri gyebakoreranga enkomerero nabutya bwebawanga yo obutaweera.

Okwetegekera Enkomerero

Swahaaba wa Nabbi ayitibwa Abū Dardaa'e yagamba nti "Mazima omuntu agenda okusinga okuba mukifo ekibi olunaku lwenkomerero, yemumanyi atagasibwanga nakumanya kwe"

Muganda wange owekitibwa abaffe wali ogasiddwa mukiseera mw'owulirira zikutuba, n'emisomo, n'enkungaana wamu nekwebyo by'owulidde???

Swahaba ayitibwa Salman Al-Faarisi yagamba nti; "Omuntu agenda okusinga okuba nebyonoono (amazambi) olunaku lwenkomerero yoyo eyabasinga ebigambo ebingi mukugyeemera Alla owekitibwa"!

Omumanyi ayitibwa Hassan Al-Baswari yagamba nti "owangec gwe omwana wa Adamu mazima gwe togenda kuffuna bukkiriza obwannamaddala (obutuufu) okutuusa nga bwota neye nga bantu nabumogo atenga buli kugwe. Era okutuusa lw'onatandika okwelongooseza (okuteleeza) obumogo bwo gwe kenyini bwonaba okoze otyo tojja kusanga yo muntu yenna okujjako nga naye olongosezza akamogo ke. Era ojja kuba ng'oli kukawefube wa kwelongoosa nakwetereeza era nga gwemulimu (ibaadda) ogusinga okwagalwa eri Allāh (Azza wa Jall) owekitibwa kumuntu abeera bwatyo.Muganda wange Omusiraamu: Ffe tululunkana n'okulafubana okunoonyereza kubumogo n'ensobi zabannafe era netubisanyukira nga kw'otadde n'okubyogerako muntuula zaffe, Abafffe naffe twali twononyerezza kubomogo nensobi zaffe netunoonya kubantu abalala okutubuulirira?! Oba mazima ffe tunyiiga ibnyiizi singa baba batubuulilidde?!

Era omumanyi ayitibwa Hassan Al-baswari yagamba "Mazima omukkiriza asinga okuba omwenkanya kumutima gwe ye yebala kulwa Allāh (Azza wa Jall) era nga mazima n'abantu abatya okubalibwa olunaku lw'enkomerero bebantu abalinga bebala kuno kunsi, era n'okubalwa okugenda okusinga okuba okubi kulunaku lw'enkomerero kugenda kuba kw'abo abatwalanga ensonga y'okubalwa nga etali yabwe (etabakwatako).

Imaam Ahmad ibn Ambar entuula ze zalinga zankomerero teyayogerera ngamu kigambo kyonna mu bigambo byensi.

Okufumitiriza n'okulowoza ennyo ku mbeera y'Olunaku Lw'enkomerero.

Ensonga endala ng'ate nkulu ena yamba Omusiraamu okwetekeratekera enkomerero ye kwekulowooza n'okufumitiriza ennyos kumbeera y'olunaku olw'oluvannyuma lw'okufa n'okwawukana n'ensi ng'ayolekera eri enkomerero.

Olunaku lw'okwanjula byeyekola eri Allāh (Azza wa Jall), omugumirivu, asinga, ow'ekitibwa, omusukkulumu, omukasi, olunaku omuntu lwagenda okuleetebwa ngali bwomu yekka, nga talina kantu konna yadde emmaali,yaddee abantu be, yadde owoluganda n'emikwano, yadde ekintu kyonna mubyokunsi.!!!

Kyandibadde kirungi nnyo Omusiraamu naddilingana nga nnyo ayat zino wammanga mukuzisoma nemukuzetegereza amakulu gaazo:- Surat Naba'e: 87-88, Al-Hashir ayat 4, an-Naazi'aat: 35-41, Abasa: 34-42, Al-Mutwaffiffiina: 4-6 ne Al-Fajr: 23-26.

Omubaka Muhammad (ﷺ) kyeyava agamba mu Hadith esangibwa mu (Ahmad ne Tirimizi) nti Nze ndaba ebyo bye mutalaba era mpurira ebyo byemutawulira nabikkuliddwa eggulu nendaba nga tewali kifo kiyinza kubwaamu Luta okujjako nga waliwo malaika nga zanjuluza ebiwawatiro byazo nga zivunnamidde Allāh (Azza wa Jall). Mbalayilila Allāh (Azza wa Jall) singa mumanyi byemmanyi, muwandisese nga kitono, nemukaabanga nnyo temwandifunye ngayo nakadde konna kuba nabakyala mubitanda (Mubulili) mwandifulumye nga mumayumba gammwe nemwolekera mubisaawe nemuwanjagira Allāh (Azza wa Jall) wammwe!!-

MuHadith endala esnagibwa mu bukhari nemu muslimu eva ku munabwe bashiiri Nabbi (ﷺ) yagamba nti omuntu agenda okusembawo okuba n'ebibonerezo ebitono olunaku lw'enkomerero yemusajja agenda okwambazibwa engato ezakolebwa mumuliro naye nga waggulu obwongo bwesera (Butokota) tagenda kulaba yo muntu nomu amusinga kubonerezebwa ngate mazima ye yasinga okuba n'ebibonerezo ebitono.

Adiith endala eli mu Muslim nga eva ku Abū Hurairah (R.A) yagamba lumu twali ne Nabbi (ﷺ) netuwulira eddoboozi ly'ekintu Nabbi n'atubuuza nti abaffe mumanyi (mutegedde) eddoboozi elyo, netumu gamba nti Allāh (Azza wa Jall) n'omubaka we bebamanyi. Nabbi n'agamba nti ekyo kiyinja kyasuilbwa mumuliro emyaka 70 kibaddenga kikka okutuusa lwe kituuse kuntobo yagwo kyenvudde mukiwulira!!!

Muganda wange wali ofumintirizza kubuwanvu bw'omuliro n'obukakali bw'ebibonerezo byagwo?

Okufa n'obukaawu bwakwo? Kabburi n'ekizikiza kyayo? Olunaku lw'enkomerero n'embeera zalwo, okubalwa nobukugu nobwangu bwakwo, minzaaen nobuzito bwayo, Siraatwa'obumu n'obwoogi bwaayo, okuyimirizibwa mumaaso ga Allāh (Azza wa Jall) n'obuzito bwakwo? , ebibonerezo n'obukakali bwabyo?

Okwetegekera Enkomerero

Oba ggwe owulira ebigambo byonna ebyo n'otafaayo, n'embeera zo nezitakyukako yadde obulamubwo bwobanga bwotyo bwoli kimanye nti mazima omutima gwo gwafa!

Omwana Adam yewunyisa mukiseera mweyetegekera nabeera kuibnkekenke nga agenda olusisinkana omufuzi mubafuzi bensi natekenkateeka nakubeera kuibnkekenke, eri ekiseera kyanasisinkaniramu omufuzi wabafuzi Allāh (Azza wa Jall) nannyini magulu omusanvu n'ensi omusanvu!

Muganda wange ow'ekitibwa wali oyayaniddeko eJjana era omanyi Allāh (Azza wa Jall) byeyakutegekera munnyumba eyo eyekitibwa elimu ebyengela ebyluberera, n'okwesiima okwolubeerera, n'abakyala abalina amaaso agatemagana (abatakwatibwangako), n'embiri, n'emiti, n'emigga, namasamba g'ebibala. ??

Hadith eri mu bukhari ne Muslim eva ku Jariiri ibn AbdAllāh (Azza wa Jall) Allāh (Azza wa Jall) assiima kuye yagamba nti lumu twali n'Omubaka wa Allāh (SAW) S.A.W n'atunula kumwezi ngagwaako nga ekiro kyetwali ebadiri Nabbi n'agamba nti mazima mwe mugenda kulaba omulezi wamwe Allāh (Azza wa Jall) namaaso nga bwemulaba omwezi ogwo nga te wali asiikiriza munne mukumulaba.

Hadith endala eri mu Muslim nga eva ku Abi-Hurait Allāh (Azza wa Jall) asiime kuye omubaka Muhammad (ﷺ) yagamba nti "Abantu bomuJjana bwebaliba bamaze okuyingira eJjana omukowooze ajja ku kowoola nti mazima mwe mugenda kuba balamu temugenda kuddamu kufa, era mugenda kuba balamu tekyali ku lwala, mugenda kuba mubyengera tekyali kubivaamu.

Maliriza nga nsaba Allāh (Azza wa Jall) akkirize omulimu guno ogwokuwandiika nokuvvunula ebigambo bino ebitabadde byangu, era musaba ansonyiwe ensobi ezikoleddwa mu gwo, nammwe munsonyiwe kuba ffenna tuli bantu abasobya. Allāh (Azza wa Jall) agase buli yenna anaakisoma wamu n'okukisomesa ataase abataasa eddini Ye. AMIIN!